# Ebifa mu BLB

Buganda Land Board

AMAWULIRE AGAKWATA KU BY'ETTAKA OKUVA MU BUGANDA LAND BOARD Vol: 5 Muwakanya 2023

# BLB EFUNYE BBOODI EMPYA



*Ekifaananyi kya Bboodi empya nga bali ne Katikkiro Charles Peter Mayiga ssaako Owek. D. Mpanga ku Bulange oluvannyuma lw'okukakasibwa (Omuko 3)*

Ab'e Busagazi banunuddwa: 07



Abaweereza abapya babanguddwa: 08






KCCA ne BLB beeyamye okukolera awamu: 05



Owek. Kakomo ku BULADDE: 05



'Client Interface Month: 09

# BLB efunye Bboodi empya ne Minisita

Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II yasiimye n'alonda olukiiko olupya olwoku ntikko olutwala ekitongole kye ekiddukanya n'okulabirira ettaka ly'Obwakabaka. Enkyukakyuka zino zazze oluvannyuma lw'okujaguza amatikkira ge ag'emyaka 30 ku Namulondo. Era mu Kabineeti y'Obwakabaka empya eyalondeddwa Minisitule y'Ebyettaka yeetongodde, nga kati ekulemberwa Owek. David F. K. Mpanga.

Beene yasiimye nnyo olukiiko olukadde n'emirimu gye luddukanyizza era bano wammanga be baalondeddwa ku lukiiko olupya;

Ssentebe wa Bboodi omuggya ye Muk. Kamulegeya Francis, ng'amyukibwa Mw. Robert Henry Kiggundu. Abakiise ku Bboodi kuliko; Omuk. Kitenda John, Muky. Rehema Nayiga Sseguya, Owek. Ritah Namyalo, Mw. Paul Kavuma, Mw. Ayub Kasule Kasujja, Omutaka Namugera Kakeeto Nicholas Kasekende, Muky. Nansubuga Mariam, Mw. Nyombi Alex ssaako Omuk. Simon Kabogoza.

Ssenkulu Kabogoza mu bubaka bwe yatadde ku mukutu gw'ekitongole yeebazizza nnyo Ssentebe abaddeko, Owek. Eng. Martin S. Kasekende wamu ne bammemba ababaddeko bonna olwobuweereza. Yayanirizza n'okuyozaayoza Omuk. Francis Kamulegeya wamu ne Bboodi empya Maasomoogi gye yakwasizza obuyinza. Yeeyamye okuweereza Namulondo n'abaagaliza obuweereza obulungi.


Mu ngeri yeemu Ssaabasajja yasiimye n'alonda Owek. David Mpanga nga Minisita w'Ettaka omuggya okusikira Owek. Mariam Mayanja Nkalubo.



Ssentebe wa Bboodi omuggya, Omuk. Francis Kamulegeya



Owek. Hajat Mariam Mayanja Nassejje ng'awaayo ofiisi eri Owek. David F. Mpanga



Abakiise ba bboodi abaggya mu kifaananyi ekyawamu n'abakiise abaawummudde, olukiiko olukulembeze olwa BLB ne Minisita w'Ettaka Owek. David Mpanga

# Katikkiro atongozza Bboodi ya BLB empya



Katikkiro Charles Peter Mayiga ng'ayogerako eri bammemba ba Bboodi empya ku mukolo gw'okugitongoza mu kisenge ky'enkiiko ku Bulange

Katikkiro Charles Peter Mayiga yatongozza Bboodi ya Buganda Land Board empya ekulirwa Omuk. Kamulegeya Francis oluvannyuma lwa Ssaabasajja Kabaka okusiima n'akola enkyukakyuka mu Bboodi ebaddeko.

Katikkiro yabasabye okunyweza enkola ey'omulembe omuggya, ekulembeza obwerufu, obuyiiya, okwagala n'obunyiikivu ssaako okukuuma obulungi ebikwata ku ttaka ly'ebifo ebyennono, eryobwami n'okunoonya mayiro 9000 gyekali.

Mayiga yeebazizza nnyo Ssentebe wa Bboodi eyawummudde, Owek. Eng. Martin S. Kasekende wamu n'olukiiko lwe kubanga baliko bingi bye bakoze ebirabwako okuli; ekizimbe Muganzirwazza, okuteekateeka ofiisi za BLB empya ku Masengere, okuzimba amayumba e Kigo n'e Ssentema, enkola ya Kyapa mu Ngalo, n'okusolooza obusuulu naye okusinga byonna, okubangawo omusingi okuddukanyizibwa ettaka ogutenkanika mu ggwanga lyonna.

Katikkiro yakubirizza Bboodi empya okwongereza ku buwanguzi buno esukkulume.

Ssentebe Kamulegeya amyukibwa Omuk. Robert Henry Kiggundu. Abakiise kuliko; Omuk. John Kitenda, Hajat Rehema Nayiga Sseguya, Owek. Rita Namyalo, Omuk. Paul Kavuma, Omuk. Simon Kabogoza, Omuk. Nyombi Alex, Omuk. Nansubuga Mariam, Omutaka Namugera Kakeeto Kasekende ssaako Omuk. Ayub Kasule Kasujja.

Ssentebe Kamulegeya yeeyamye nti Bboodi gy'akulembera yaakuweereza mu bwerufu, obuvumu n'obuyiiya mu kaweefube aluubirira okutuukiriza ebiragiro bya Kabaka omunaava ebibala ebinazza Buganda ku ntikko.

Omukolo gwakoleddwa mu Bulange e Mengo era nga gwetabiddwako Minisita w'Ettaka n'Amayumba, Owek. David Mpanga ne Ssentebe eyawummudde, Owek. Eng. Martin S. Kasekende, Ssenkulu Kabogoza Simon n'abalala bangi.



Katikkiro Mayiga ng'ayogerako eri Bboodi empya



Owek. Ying. Martin S. Kasekende ng'ayogerako eri olukiiko olupya



Ssentebe wa Bboodi omuggya, Omuk. Francis Kamulegeya ng'ayogera mu kutongoza oluliiko lw'akulembera



Bboodi empya mu kifaananyi ekyawamu ne Katikkiro Mayiga ku wankaaki wa Bulange



Owek. Kasekende nga boogeramu ne Katikkiro Mayiga



Owek. David F. K. Mpanga ng'ayogerako eri olukiiko mu kulutongoza

# Bboodi ya BLB empya ebanguddwa



Ssenkulu Kabogoza ng'awa ebyafaayo bya BLB eri bammemba mu kubabangula



Owek. Dr. Hajji Twaha Kaawaase ng'ayogerako eri Bboodi empya mu kuggalawo okugibangula

BLB yakoze enteekateeka mwe yabangulidde bammemba ba Bboodi abapya okusobola okutandika okukola emirimu nga kye boogerako bakyesa bweso. Bano baabanguliddwa ku Lake Victoria Serena Hotel e Kigo okumalira ddala enzingu bbiri, ng'abakulira ebiwayi ebyenjawulo be baawomye omutwe mu nteekateeka eno okusobozesa bammemba abaggya okumanya entambuza y'emirimu.

Nga bakulembeddwamu Ssenkulu Simon Kabogoza, olukiiko olufuzi lwayanjulidde olwokuntikko ebyafaayo by'ekitongole, obuvunaanyizibwa bwakyo, enzimbo y'ekitongole ssaako abakwatibwako BLB b'ekolagana nabo.

Minisita w'Ettaka omuggya ow'Obwakabaka, Owek. David Mpanga ye yabadde ssentebe w'okubangulwa kuno.

Omumyuka wa Katikkiro Asooka, Owek. Hajji Dr. Twaha Kaawaase ye yabaddewo n'ayogerako eri Bboodi empya ku bukulembeze obulungi n'abasaba okugoberera enkola nga bweri ku ttaka mu kisanja kyabwe.

Oluvannyuma lw'okuyisibwa mu bikolebwa BLB, bammemba abapya nga kw'otadde ne Minisita David Mpanga baalambuziddwa amayumba ag'omulembe agaazimbibwa Obwakabaka aga Mirembe Villas – Kigo, nga kyakoleddwa olukiiko olufuzi nga luli wamu ne Guoji Group ekulirwa Ms. Wendy.



Omuk. Hajji Kizito Bashir Juma ng'abangula abakiise abapya




sentebe wa Bboodi omuggya, Omuk. Francis Kamulegeya ng'ayogera



Akulira ebyensimbi, Mw. Mujabi Martin Kuteesa ng'abangula abakiise ku kiwayi kye



Omuk. Kitenda John naye yayogeddeko gyebali



Bammemba abapya nga balambula pulojekiti ya Mirembe Villas e Kigo



Okulambula nga kugenda mu maaso



Abakiise abapya n'omumyuka wa Katikkiro Asooka, Owek. Dr. Twaha Kaawaase



Abayima ba Ssaabasajja Kabaka



Olukiiko olupya olwa Bboodi

# Abakiise ba Bboodi ya BLB 2023


Omuk Francis Kamulegeya - Ssentebe


Omuk. Robert H. Kiggundu - Amyuuka Ssentebe


Owek. Rita Namyalo


Omuk. John Kitenda


Omuk. Rehema N Sseguya


Omuk. Mariam Nansubuga


Omuk. Alex Nyombi


Omut. Nicholas Kasekende


Omuk. Ayub Kasule Kasujja


Omuk. Paul Kavuma


Omuk. Simon Kabogoza

# Abayima ba Kabaka (Attorneys)


Owek. Twaha Kaawaase


Omulangira David Wasajja


Omuk. John Kitenda


Owek. Apollo N. Makubuya


Owek. Nelson Kawalya


Owek. Emmanuel Ssendawula

## Obukiiko bwa Bboodi 2023

**Corporate Affairs and Stakeholder Engagement**
- Omuk. Paul Kavuma – Ssentebe
- Omuk. Rehema N Sseguya
- Omut. Nicholas Kasekende
- Omuk. Alex Nyombi

**Business Development and Customer Service**
- Omuk. John Kitenda – Ssentebe
- Omuk. Ayub Kasule Kasujja
- Omuk. Paul Kavuma
- Omuk. Robert H. Kiggundu

**Finance, Administration and Human Resorce**
- Omuk. Rehema N Sseguya – Ssentebe
- Omuk. Mariam Nansubuga
- Omut. Nicholas Kasekende
- Omuk. John Kitenda

**Audit, Risk Management and Compliance**
- Omuk. Mariam Nansubuga – Ssentebe
- Owek. Rita Namyalo
- Omuk. Alex Nyombi
- Omuk. Paul Kavuma

**Land Management, Survey and Physical Planning**
- Omuk. Robert H. Kiggundu – Ssentebe
- Omuk. Ayub Kasule Kasujja
- Owek. Rita Namyalo

# Omuk. Kizito asisinkanye ebikono by'atwala

Omuk. Hajji Kizito Bashir Juma yasisinkanye abaweereza okuva mu kikono ky'ebyempuliziganya n'ekyaniriza abagenyi, ng'ensisinkano eno yagendereddwamu okwekenneenya ebikoleddwa n'okusoomoozebwa okuyitibwamu okutuusa obuweereza ku bantu. Yabeebazizza olwemirimu egikoleddwa mu myezi egiyise n'abalambika we balina okwongera amaanyi mu kitundu ekisigadde ku mwaka guno.

Yabakuutidde okwongera obuyiiya mu mirimu basobole okwaka.

**Ekyamateeka, liizi n'okuzimba bizinensi**

Olwamalirizza ab'ebyempuliziganya n'asalako ab'ekikono ky'Amateeka, ekigaba liizi n'ekizimba bizinensi. Ensisinkano yagendereddwamu okulaba ebituukiddwako ssaako okutema empenda z'okutereeza emirimu mu myezi ena egiddako.



Omuk. Hajji Kizito Bashir Juma mu nsisinkano n'abamu ku b'atwala



Omuk. Hajji Kizito ng'asisinkanye bannamateeka, liizi n'okuzimba bizinensi



Omuk. Hajji Kizito mu nsisinkano n'abeebyempuliziganya ssaako abaaniriza abagenyi

## Omuk. Kizito asisinkanye aba 'Property Transaction Register'



Omumyuka wa Ssenkulu, Omuk. Hajji Kizito Bashir Juma yeetabye mu nsisinkano eyategekeddwa abakola ku by'okuwandiisa ebibanja ebiwaanyisiddwa, esuubirwa okutongozebwa wakati mu mukago ne BLB, Minisitule y'Ebyettaka ssaako Civil Society, ng'aba gavumenti ya Sweden be bavujjirizi b'enteekateeka eno.

Omubalirizi wa gavumenti, Kato Tonny yatenderezza BLB olwobukenkufu mu mulimu gwayo.

## BLB ekiikiriddwa ku by'okuzimba amayumba



Ttiimu ya BLB eyakulembeddwa Omumbejja Ndagire Rose ng'ali wamu ne Namuddu Cissy Kiyaga ssaako Balaba Emmanuel Mugalu beetabye mu musomo ogwategekeddwa okutunuulira enzimba y'amayumba agasoboka ogwayindidde wali ku Hotel Africana ne ku kitebe kya National Housing nga gwakulungudde ennaku bbiri namba.

Ekitongole ky'ebyokuzimba amayumba agasoboka kyabalaze ebyali mu pulojekiti eyatandikirwako eyakolebwa e Katwe n'e Nansana.

Omusomo guno gwasombodde abanene abali mu katale k'okugula ettaka n'amayumba okwabadde aba National Housing, Minisitule y'Ebyettaka, NSSF, BLB, bbanka, gavumenti ez'ebitundu, abazimba ag'obwannannyini n'abalala.

# KCCA ne BLB beeyamye okukolera awamu



Ssenkulu Kabogoza n'abagenyi be okuva mu KCCA



Nankulu Dorothy Kisaka ne ttiimu ye nga balagibwa Le-Card bw'efulumizibwa

Ssenkulu Simon Kabogoza yakyazizza abagenyi okuva mu KCCA okwabadde n'akulira ekibuga ku ludda lw'ebyekikugu, Muky. Dorothy Kisaka.

Akulira KCCA, Muky. Dorothy Kisaka yasinzidde mu nsisinkano n'aba Buganda land Board wano ku Masengere n'agamba nti KCCA yaakutwala mu maaso enkolagana ebaddewo ne BLB n'Obwakabaka okutwalira wamu batambulire wamu mu kaweefube aluubirira okukulaakulanya Kampala atuukane n'omutindo.

Bino byabadde mu nsisinkano n'abakulembeze ba KCCA mu biti ebyenjawulo abaakulembeddwamu Dayirekita Kisaka okutuuka ku ofiisi za BLB ku Masengere. Kisaka yagambye nti bazze okwongera okwetegereza engeri ekitongole kino gye kiddukanyaamu omulimu gw'ettaka n'okumanya okusoomooza okuliwo.

"Tujja kukolera wamu ne BLB, Minisitule y'Ettaka n'Enkulaakulana y'Ebibuga, UNDP n'ebirala wakati mu buzibu obuliwo omuli n'okukendeeza omugotteko oguliwo ku ttaka ly'Obwakabaka okulaba nti tuzimba ekibuga ekyomutindo ekituukana n'ebirala mu nsi yonna," Kisaka bwe yagasseeko n'ategeeza nti kyetaagisa okutuuzanga enkiiko eza buli kadde kaweefube ono atandikirewo. Yasiimye omutindo omusukkulumu ogutuukiddwako BLB mu nzirukanya y'ettaka mu ggwanga.

Mu kusooka Ssenkulu wa BLB, Omuk. Simon Kabogoza yalombozze ebyafaayo n'okusoomooza ekitongole kino bye kiyiseemu okuva ettaka lwe lyaddizibwa Obwakabaka ne yeeyama nti BLB yaakutambulira wamu ne KCCA mu kutuukiriza enteekateeka z'okukulaakulanya ekibuga. Amyuka Ssenkulu, Omuk. Bashir Kizito y'omu ku beetabye mu nsisinkano eno.

# Owek. Kakomo alambudde BULADDE



Owek. Hajji Hamis Kakomo (owookuna okuva ku ddyo) ne ttiimu ya BULADDE

Minisita w'Obulimi, Obwegassi n'Ebibiina ebigatta abasuubuzi mu Bwakabaka, Owek. Hajji Hamis Kakomo yeesitudde n'atuukako ku ofiisi za SACCO ya BULADDE ezisangibwa e Mengo ku luguudo Albert Cook. Ono yabadde agenze kulondoola engeri emirimu gya Sacco eno bwe gitambula era nga yayaniriziddwa Ssenkulu wa BLB, Omuk. Simon Kabogoza, Omuwanika w'Enkuluze Omuk. John Kitenda ssaako amyuka Ssenkulu, Omuk. Hajji Kizito Bashir Juma n'abakulembeze ba sacco eno.

Owek. Kakomo yategeezezza nti ekyamututteyo kwe kulaba engeri emirimu gye gitambulamu, olwo kimwanguyize okuyunga olujegere batambulire wamu mu kaweefube w'okuwola abantu ba Kabaka ensimbi beenyigire mu mirimu eginaabaggya mu bwavu mwe batubidde.

Owek. Kakomo yasuubizza nga bw'agenda okuyambako okufunira ebibiina nga kino n'ebirala mu Bwakabaka okubiyunga ku bannamikago kibisobozese okutuukiriza ebigendererwa byabyo olwokuyamba abantu ba Kabaka.

Aba BULADDE yabasabye obutamwesulubabba, wabula batambulire wamu amanye ebibasoomooza binogerwe eddagala.

# Ab'e Busagazi banunuddwa ku balabbayi

Abatuuze abaludde nga bayigganyizibwa abalabbayi abaagala okwekomya ettaka lya Kabaka e Busagazi mu Kyaggwe baafunye we banywera ku tuzzi oluvannyuma lwa BLB okubawa bwino ataliimu nfuufu ku bwannannyini bw'ettaka eryo.

Amawulire gano gaabatuusiddwako omusomesa Kizito Gambobbi mu lukiiko olwakubiddwa mu kitundu ekyo, ng'abatuuze baalwetabyemu mu bungi ddala okumanya ebipya era n'abategeeza nga BLB bw'eririnako obuvunaanyizibwa, so si bali ababadde babawudiisa nti lya Namasole ng'omuntu. Ettaka lino ligwa mu kiti kya ofiisi y'Obwannamasole,



*Omusomesa Kizito Gambobbi ng'asomesa ab'e Busagazi ku nsonga z'ettaka*

nga n'olwekyo likolwako ekitongole Ssaabasajja kye yakwasa obuvunaanyizibwa okulirabirira.

Ettaka okubadde embiranye liri ku bbulooka 377 poloti 2 Busagazi Kyaggwe mu ggombolola y'e Najja.

Olukiiko lwetabiddwamu ne RDC w'e Buikwe, Hajat Hawa Ndege Namugenyi, DISO ssaako Ssentebe LC 5 ow'e Buikwe.

Gambobbi yawerekeddwako abaweereza abalala okuva mu ttabi ly'e Njeru okwabadde TM Nakirijja Unia Naome, Maneja Ntambi John ssaako Nsubuga Jimmy.

# Owek. Kawuki alondodde ebyokuzimba amalwaliro



*Owek. Kawuki ng'ayanirizibwa TM Kabonge e Busimbi awazimbibwa eddwaliro*

Mu nteekateeka y'Obwakabaka okusitula ebyobulamu mu bantu, gavumenti ya Beene yasalawo okuzimba amalwaliro mu bitundu ebyenjawulo era nga BLB yawaayo ettaka okugenda okutuuzibwa amalwaliro gano.

Minisita wa Gavumenti ez'Ebitundu mu Bwakabaka, Owek. Kawuki Joseph yalambudde amalwaliro gano era nga yasookedde Mityana mu Ssingo wali ku ggombolola e Busimbi awazimbibwa eddwaliro okulondoola enteekateeka we zituuse.

TM w'e Mityana, Charles Kabonge yayanirizza Minisita Kawuki, nga yabadde n'Owessaza ly'e Ssingo, Mukwenda Nantajja ssaako Maneja Kitooke Sadiq, Ssentebe Nshiimye Mugisha ow'e Mityana ssaako Abaami ba Kabaka.

Bwe yavudde e Ssingo yayolekedde Buddu ku nsonga yeemu bwe yalambudde Muteesa I Health centre e Mukungwe. Eno ayaniriziddwa Omumyuka wa Ppookino, Mwalim Abdallah Kato ne Maneja Bakabulindi Kagimu ow'ettabi ly'e Buddu.

# Aba BLB basisinkanye RDC w'e Luweero

Ttiimu ya BLB eyakulembeddwa Nambiite Juliet ng'ayambibwako Kizito Gambobbi okwabadde n'omusolooza Habib Ssengombe ow'ettabi ly'e Luweero ssaako Abaami ba Kabaka ne Ssentebe Mamuli baasisinkanye omubaka wa pulezidenti mu kitundu ekyo, Mw. Bwabye Richard okwongera okugobera ensonga 'okusima amayinja ku ttaka ly'Obwakabaka mu ngeri y'ekimpatiira.

Ensisinkano eno yeetabiddwamu n'abamu ku ba famire esima amayinja.

RDC yalagidde eyaweebwa obuyinza ku bintu by'omugenzi okutuuza ab'enju eyo n'oluvannyuma agabanye ekibanja olwo BLB ebalambike ku kiddako.



*Nambiite ne Gambobbi mu ofiisi RDC Bwabye e Luweero*

# Abaweereza abapya babanguddwa

Omuk. Simon Kabogoza era nga ye Ssenkulu wa BLB yaggaddewo okutendekebwa kw'abakozi abapya okwakulungudde enzingu eziwerako.

Ssenkulu yabasibiridde entanda beeyise bulungi ng'abaweereza b'Obwakabaka bwe bandibadde, bambale mu ngeri eweesa ekitiibwa, bafeeyo okubaako bye bayiga n'okumanya ebintu ebyenjawulo ebikwata ku Bwakabaka.

Yabasabye okussa mu nkola bye bayize so nga kikulu nnyo okubeera abakozi ab'amaanyi okusobola okutuukiriza ekkatala lyabwe erinaabaweebwa.

Yafundikidde abaagaliza obuweereza obulungi eri Obwakabaka n'abaagaliza emikisa.

Enteekateeka y'okubangula abakozi yategekebwa ofiisi ekola ku nsonga z'abakozi mu BLB era kwakulungudde ddimansi ezaaweze ebbiri.

Bwe yali aggulawo omusomo guno, Muky. Rebecca Bukenya Magezi (HHR) yakubiriza abakozi okufaayo okuyiga bye baabadde bagenda okusomesebwa basobole okuyiga engeri emirimu gye gitambuzibwamu.

Ne Kigozi Jude William, ofiisa mu kiwayi ekikola ku nsonga z'abakozi yababangudde ku nneeyisa nga bali ku mirimu basobole okuwangaalira mu kitongole.

Buli kikono ekiva mu kiwayi kiriko eyatendese abakozi kun kola y'emirimu. Abamu ku baatendese kwabaddeko; Omumbejja Nakalema Sarah okuva mu ofiisi y'Ebyensimbi, Ntabaazi Marvin , Sseruyambi Daniel okuva mu bakola ku byuma bikalimagezi.

Balaba Emmanuel yababangudde ku nkozesa ya GIS ate Kimbowa n'abatwala mu by'empuliziganya ssaako abalala bangi.



Ssenkulu Kabogoza ng'ayogerako eri abaweereza abapya mu kuggalawo okutendekebwa kwabwe



Akulira ekiwayi ekikola ku nsonga z'abakozi, Muky. Rebecca Magezi Bukenya ng'aggulawo okubangula abakozi abapya



Omumbejja Nakalema ng'abangula abakozi abapya ku nsonga z'ebyensimbi



Balaba Emmanuel Mugalu ng'ababangula ku nkola ya GIS gye bagenda okweyambisa okwanguyirwa emirimu



Omumbejja Ndagire ng'ababangula ku by'okuteekateeka fayiro za bakasitoma nga zekkaanyiziddwa abateekateekera ettaka



Margaret Miiro Sserunjogi ng'abannyonnyola bwe balina okukwata bakasitoma ba BLB

# 'Client Interface Month' eyengedde

Namaganda Olivia Cox akulembera ekikono ekisomesa n'okukunga yabangudde abaweereza mu bikono byonna ku kitebe ne mu matabi ga Kyaddondo ne Busiro ku nteekateeka ekoleddwa bakasitoma okugenda ku matabi okubaako bye beebuuza ku nsonga z'ebibanja byabwe. Kino yakikoze ng'agenderera okulaba nga buli muweereza amanya ku nteekateeka eno, bagende okubaako bye bamubuuza nga tatamattama. Kisuubirwa ng'enteekateeka eno ya kuyamba okwongera ku nnyingiza ku nkomerero y'omwaka kubanga yaakuzuukusa bangi.


Namaganda Olivia Cox ng'asomesa ab'etterekero ly'ebiwandiiko ku pulojekiti egenda okusoosootolwa


Namaganda ng'asomesa ab'ettabi ly'e Nansana ku Client Interface Month


Namaganda n'abekikono ky'ebyensimbi yababangudde


Aba ttiimu Ndejje nabo yabatuuseeko n'enjiri ya bakasitoma okukyalira amatabi enaatera okuggyibwako akawuuwo


Namaganda ab'ettabi lya Kibuga yabakedde mu bunyonyi okubabangula


Namaganda ng'abangula abaweereza



Namaganda ng'ayogerako eri ab'ekiwayi ekiteekateekera ettaka, okupunta n'okubalirira ettaka

# ENFORCEMENT etabukidde bakiwagi

Ab'ekikono ekikwasisa amateeka bakoze ebikwekweto ebyenjawulo naddala ebitangira abateeka enkulaakulana ku ttaka ly'Obwakabaka nga tebatuukirizza misoso gya nannyini ttaka. Bano baayimiriziddwa okukolerako era ne baweebwa amabaluwa, nga baabalagidde basooke beeyanjule ku ofiisi ezitwala ebitundu ebyo.



Mulema ng'akulembeddemu okuwenja bakiwagi abaasenze ettaka e Mayembegambogo Mpigi



Omusolooza Tebaasoboke ng'atwala abakwasisa amateeka ku lusozi Namamonde



Baabano nga bayimiriza eyazimbye mu kimpatiira e Mayembegambogo



Ssaabawaali Kasanje, Omuk. Andrew Benon Kibuuka nga bamusazeeko ku by'akatale akazimbibwa ku ttaka ly'embuga y'eggombolola



Ekimu ku bizimbe ebitutunuka mu kimpatiira e Mpigi



Mulema ng'abaga ekiwandiiko ekiyimiriza ebikolebwa mu bukyamu e Kitala



N'abasima amayinja e Namamonde baabayimirizza n'ekiwandiiko

# Emirimu mu ofiisi ya Kaliisoliiso

### Ayimirizza abeegwanyiza ettaka e Kibugga

Kaliisoliiso Mukasa Casmir yagenze e Kibugga mu ggombolola y'e Budde mu ssaza ly'e Butambala okulondoola bannakigwanyizi ababadde beesomye okusenda ettaka ly'abeekika ky'Akasimba erisangibwa ku lusozi Kibugga. Bano yalesse abayimirizza n'akubiriza n'Abaami ba Kabaka okubeera obulindaala okukola ku bikolwa nga bino mu Budde.

### Buddu

Kaliisoliiso nga yeegattiddwako Maneja Bakabulindi ssaako omusolooza Kalema baagenze ku kifo ekigambibwa nti ab'olulyo lwa Sserulanda baakikubyeko ssengenge, ng'ettaka eryo liwezaako obwgaagavu bwa yiika 50 e Ndolo. Kyasaliddwawo BLB etuuze olukiiko ku nsonga eno okusalawo ekiddako ku bano abaagala okulitwala mu kimpatiira.



*Mukasa Casmir, Nampiima omusolooza, Abaami ba Kabaka n'abatuuze e Kibugga*



*Kaliisoliiso Casmir ne Maneja Bakabulindi ku ttaka erikaayanirwa e Ndolo*

# Ab'e Ndejje bakoze ebibinja okuwenja obusimooni



*Ebizimbe ebipya tebyataliziddwa*



*Bano baagenze nju ku nju*

Ab'ettabi ly'e Ndejje beekozeemu omulimu mu kaweefube gwe baliko okulaba nga badda engulu mu by'ennyingiza 'ensimbi. Bano beekozeemu ebibinja babyesigameko okulondoola n'okufeffetta abasenze abatannatuukiriza betaago bya BLB.

Baakoze ebibinja okuli; Fantastic, Supersars ne Greatness, nga bino bakufeffetta nju ku nju olwo zidde okunywa. Bano baluubirira okuzuukusa abeebasse batereeze obusenze bwabwe, okusasula busuulu, okupuna, okufuna ebyapa n'ebirala.

Bano aba Fantastic n'ebifo by'embiri baabirambudde ng'olubiri lwa Ssekabaka Mirimu e Ndejje ne balambika ababikuuma obutabikwatako kubitunda. Aba Greatness bo baasaasaanye Masajja nga balondoola bakiwagi era bangi ku bo baayimiriziddwa.

# BLB yeevumbye akafubo n'abe Mukono

Ttiimu ya BLB yeevumbye akafubo n'abakulembeze b'e Mukono okuteesa ku bikolwa by'amakampuni agameruka ng'obutiko entakera ageefunyiridde okugula ebibangirizi ku ttaka ly'Obwakabaka mu kitundu kino oluvannyuma ne balisalaasala obufiififi okuliguza abantu ku busente obutono.

Akulira okuteekateekera ettaka e Mukono, Kamoga Hamza yavumiridde ekikolwa kino ng'agamba nti kyongera okusiga omugotteko ku ttaka erigwa mu kiti kino.

Akafubo kaakubiriziddwa amyuka CAO, Turyasasirwa Edith okuteesa ku vulugu akudde ejjembe mu Mukono, n'asaba BLB ekwatagane n'aba disitulikiti okukomya ebikolwa bino kubanga biremaza enteekateeka n'enkulaakulana ku ttaka.

Avunaanyizibwa ku by'enkulaakulanya y'ettaka mu BLB, Henry Ssebaggala wamu ne TM Nakirigya Unia Naome be baakiikiridde ekitongole mu kafubo kano oluvannyuma lw'okusaba ensisinkano eno ebeerewo.

Kamoga yategeezezza ng'amakampuni gano bwe gafunye obuganzi mu bantu olwokutunda obubanja obutono ku nsimbi entono ddala, nga bafuna n'obudde obubalambuza ku nkomerero ya wiiki, ng'obuganzi babuyisa ne ku mikutu emigattabantu. Kino kireeseewo okuzimba ng'amateeka tegagobereddwa olwo omugotteko ne gukwata akati naddala mu bitundu okuli; Nagojje, Nakifuma, Naggalama, Kasawo ne Seeta Namuganga mu ggombolola y'e Kimenyedde.



Ssebaggala Henry, TM Nakirigya Unia mu ofiisi y'amyuka CAO, Turyasasirwa Edith

Okutunda okwekika kino yakutadde ku bassentebe b'ebyalo abateeka emikono ku biwandiiko ne sitampu, kwe kusaba BLB esitukiremu ng'ekiwundu tekinnasamba ddagala.

Yalaze nti n'Abaami ba Kabaka bandiba nga bafunako akantu kubanga tebeefiirayo nga bino bigenda mu maaso.

Akafubo keetabiddwamu ne tawuni kiraaka wa Nakifuma, Kizito Muteesa, Oweggombolola y'e Kimenyedde Charles Mukasa.

Baawunzise bakkiriziganyizza entegeka ekolebwe okusisinkana bannannyini makampuni ageenyigidde mu bikolwa bino, babalambiku kye bateekeddwa okukola okwewala amateeka okubazingako.

# Aba Land Banking balondodde e Madudu



Katongole Edris (mu kkooti) ne Maneja Kitooke e Madudu ku ggombolola

Maneja w'ettabi ly'e Mityana, Kitooke Sadiq ng'ali wamu n'akulira ekikono kya land banking, Edris Katongole baagenze ku mbuga y'eggombolola ya Kabaka e Madudu mu Buweekula okulondoola ebikolerwa mu kifo kino.

Nga bali wamu n'omuweereza Alex Kivumu ssaako Abaami ba Kabaka, baagenze okulondoola bannakigwanyizi abeefunyiridde okunyaga ettaka ly'embuga eno.

Bano era baapimye obwagaagavu bw'ettaka ly'embuga eno.

# BLB esisinkanye Tawuni Kiraaka w'e Mityana



Ssebaggala ne ttiimu ye mu ofiisi ya Tawuni Kiraaka e Mityana

Abaweereza ba BLB nga bakulembeddwamu Ssebaggala Henry ssaako Maneja w'e Mityana, Kitooke Sadiq baasisinkanye tawuni kiraaka w'e Mityana wamu n'akola ku by'okuzimba, ng'ensisinkano eno yagendereddwamu okukubaganya ebirowoozo ku kukecula ettaka mu kibuga kino okuyitiridde, ekigenda okuviirako omugotteko okweyongera, nga n'olwekyo kyetaaga okubaawo ekikolebwa okutaasa embeera amateeka g'okuteekateekera ettaka gagobererwa ku lw'obulungi bw'enkulaakulana ey'omutindo okubukala mu kibuga Mityana.

# Kibuga ekizzeemu nate



Omuk. Hajji Kizito Bashir Juma ng'akwasa abatwala ettabi lya Kibuga ekikopo



Sserunjogi ng'alindiridde okufuna ebbaasa enzito

Amazzi gakulukutira gye gaali gakulukutidde! Gaagano nate gazzeeyo ne gakulukutira mu ttabi lya Kibuga, okukkakkana ng'ekikopo ka Kasambula kibazze mu ttaano engeri ekkumi gye zikwata empaawo. Bano okweddiza ekikopo ky'omwezi baamegguzza amatabi amalala bwe baakoledde ku bitundu 85%, baddiriddwa Kyaggwe ku 85% olwo Mityana n'egoberera ku 62%.

Akulira ekiwayi ekitambuza emirimu gy'amatabi, Omuk. Hajji Kizito Bashir Juma yeebazizza aba Kibuga okukuuma omutindo, bw'atyo n'abakubiriza obutassa mukono. Bo ab'amaabi amalala agatayaka yabakubirizza okwetereeza nga bassaawo enkola ennambulukufu enaabasobozesa okulinnyisa ennyingiza. TM Nanyonga Teo wamu ne Maneja Nsubuga Wilber baabaddewo okufuna ekikopo ku lw'ettabi eryawangudde.

N'abakozi abalala baasiimiddwa n'ebbaasa kirimuttu okwabadde; Nabitosi Aisha eyakoledde ku 275%, Nankya Doreen ku 214%, Ssemwogerere Isa ku 206%, Zziwa Derrick ku 200%, Sserunjogi George ku 370%, Ssemusu Richard yakoledde ku 130%, Namawejje Prossy eyakiikiriddwa TM Kabonge yakoledde ku 368%.



Abamu ku baatendekeddwa. Owookubiri ku kkono emabega ye Gambobbi eyabangulwa okuva mu BLB

# GIZ etendese abanaasomesa ku ttaka

Ekitongole ki GIZ kyafundikidde enteekateeka yaakyo ey'okubangula abasomesa abagenda okusomesa bannansi ku buvunaanizibwa bwabwe n'eddembe ku ttaka ssaako ebirala bingi ebyekuusa ku ttaka, eyakulungudde ssabbiiti namba wali ku Enro Hotel e Mityana. BLB yakiikiriddwa Kizito Gambobbi.

# HR Nalule abangudde ab'e Nansana

Ofiisa okuva mu kiwayi ekikola ku nsonga z'abakozi, Nalule Grace Muguwa yakyaliddeko ettabi ly'e Nansana n'ekigendererwa ky'okubangula abaweereza ku ttabi eryo ku ebyo ebirabikira mu kitabo kya HR Manual bye bateekeddwa okugoberera nga bakola emirimu gyabwe.



Nalule ng'abangula ab'e Nansana

# Amalala mu bifaananyi



Gambobbi ng'asomesa abaakiise okuva e Gomba mu luwalo mu bimuli bya Bulange



Nansubuga ng'asomesa abantu ba Kabaka e Mpenja ku ggombolola




Omuk. Luutu Moses ne Wasswa Bukenya ewa Minisita Wamala Anthony nga bamwanjulira ogwa KWBK bwe gutambula



Owek. Chris Bwanika ng'ayanjulirwa amakula g'embuga mu lubiri e Mengo



Maneja Kimogofu mu nsisinkano n'Abaami ba Kabaka ssaako bassentebe b'omuluka gw'e Kyebando



Wasswa Bukenya mu kifaananyi ekyawamu oluvannyuma lw'okubateekateeka ku by'okuleeta amakula



Omuweereza Lutalo Lawrence ne ttiimu ye nga bali mu lubiri lwa Mirimu e Ndejje



Maneja Kireewa Maato ng'asisinkanye Abaami b'e Kabulassoke



HRO Nalule mu lukiiko lwa Kibuga oluggalawo omwezi



Maneja Kimogofu mu nsisinkano n'Abaami ba Kabaka e Masuuliita ku ggombolola



Maneja Bakabulindi ng'asomesa ab'e Ssembabule TC





Nansubuga ng'asomesa ab'e Ndejje Kanyanya mu kkanisa ya St. John's mu mmisa esooka. Ku ddyo be bamu ku basabi abaasomesebwa



Yiga David ng'atabukidde enjiri y'ettaka e Nakaye mu Gomba



Abaweereza ba BLB nga basomesebwa Dr. Kibirango ow'eddwaliro ly'e Mengo ku ndwadde ezitasiigibwa

# BLB ne FIDA babangudde ab'e Bwaise II



Omusomesa Kizito Gambobbi ng'asomesa abantu b'e Bwaise



Munnamateeka okuva mu Fida ng'ayogerako eri abantu ku ddembe lyabwe ku ttaka n'amaka

Enkolagana eyatuukibwako wakati wa BLB ne FIDA okukunga n'okusomesa abantu ku bibakwatako naddala eddembe ly'obuntu we twogerera yatandise okuyinda, bano bombi bwe baategese okusisinkana abatuuze b'e Bwaise ne basomesebwa ku nsonga ez'enjawulo.

BLB yakiikiriddwa omusomesa Gambobbi Kizito eyakubirizza ab'ebibanja okufuba okubiwandiisa babisasulire ne busuulu beewale okutwalibwa omuyaga gw'okugobaganya abantu ku ttaka ogukutte akati ensangi zino. Yabagambye nti, "Ebibanja mubikuume na biwandiiko so si bigambo n'okujuliza ebyafaayo, bijja kubasuba kubanga guno omulembe gwa biwandiiko si kujuliza malaalo, miti n'ebirala kuba byonna tebikyakola," Gambobbi bwe yalambise.

Omusomo gwayindidde mu zooni ya Nabukalu mu muluka gwa Bwaise II. Kizito yabawabudde beesigame ku Baami ba Kabaka okuwandiisa kubanga nnyini ttaka be yasiima okukola ne BLB, so si LC.

Kizito yasabye abeesobola okufuna liizi kubanga kyakubayamba okuzitoy ebibanja byabwe babyewolereko ensimbi mu bbanka beekulaakulanye so nga ne bwekuba kukiwaanyisa nnyini kyo yeeramula.

Nabano yababuulidde ku nkola egenda okusoosootolwa bamanye ebikwata ku bibanja byabwe mu mwezi gwa Mukulukusabitungotungo.

Wabula bannamateeka ba FIDA be baasoose mu ddiiro okubangula abantu ku ddembe lyabwe ku ttaka n'amaka, nga kizingiramu n'okukola ekiraamo nga balamu bulungi beewale okwerumaaluma n'entalo ng'abazadde bavuddewo.

# Corporate league eyinda



Ttiimu y'okubaka nantawunyikamu okuva mu BLB



Ttiimu y'omupiira gw'abasajja nayo yabakubizza kaga

Okuvaako mu mpaka z'ebitongole ebinene, BLB yagudde maliri n'ekitongole ki Cipla buli omu bwe yateebye ggoolo emu mu katimba ka munne mu luzannya lwayo olwasoose.

Ate mu luzannya olwokubiri, BLB yawangudde DTB bwe yagikubye ggoolo 2 – 1.

Bwe kyatuuse ku DFCU, BLB yagikomeredde ggoolo 3 nga teyanukudde. Awo Omuk. Hajji Kizito Bashir Juma ggoolo zaateebeddwa ng'agwota buliro.

Mu gw'okubaka, KCB yaviiriddemu awo nga BLB egifukiridde ggoolo 28. Ne Cipla teyalutonze, yakubiddwa obugoba 11 ku 7.

# Abaweereza abaazaalibwa mu Muwakanya



Ssonko Lamech



Kavuma Imran




Nalule Grace



Omuk. Luutu Moses

"

Muyogeeyoge bannaffe!



Namuyimba Brian



Dembe Luboyera



Matovu Francis



Nakato Ezra



Nakigudde Eseza